# Ebyatutte abasuubuzi mu musomo gwa URA



Yiga (wakati) ng'ali ne Walukhu, oluvannyuma lw'omusomo gw'ennaku essatu ogwategekeddwa URA e Nakawa. Abalala be basuubuzi abaagwetabyeko.

Bya MOSES KIGONGO

ABASUUBUZI boogedde ensonga lwaki beetabye mu musomo ogwategekeddwa ekitongole ekiwooza omusolo mu ggwanga.

Mu musomo ogwamazze ennaku ssatu ku kitebe ky'ekitongole kya Uganda Revenue Authority - URA ekimanyiddwa nga Learning Center e Nakawa, abasuubuzi mwe baaweeredde ensonga lwaki bagwetabyemu, oluvannyuma lw'okukomekkerezebwa ku Lwokuna akawungeezi.

Mu zimu ku nsonga ze baawadde mwabaddemu eky'okwagala okumanya ensonga lwaki emmaali yaabwe erwawo okuteebwa e Nakawa, okumanya engeri URA gy'egerekamu emisolo egimu ku bintu byabwe ebisuubulwa ebweru w'eggwanga, okulung'amizibwa ku ngeri entuufu gye bayinza okwekubiramu enduulu singa babeera tebamatidde ku nsonga z'emisolo, okumanya b'ajenti ba URA abatuufu n'endala omuli okuyiga engeri gye bayinza okukuuma ebiwandiiko bya bizinensi zaabwe entuufu.

"Tulina okusoomoozebwa kwa konteyina zaffe ezirwaawo okuteebwa boofiisa ba URA nga zituuse e Nakawa gye tusasulira emisolo egy'enjawulo era y'emu ku nsonga gye twagenze okubuuza boofiisa ba URA abaabadde emabega w'okutegeka omusomo guno," bwatyo Ssentebe w'ekibiina kya Kampala Central Traders' Association - KCTA,Charles Yiga, be yategeezezza nga baakagumaliriza.

Ensonga endala gye yakoonyeeko, ye y'okwagala okumanya engeri URA gy'egerekamu emisolo naddala ku bintu ebiva ebweru w'eggwanga, kibataase ku b'ajenti ba URA be balumiriza okuggyako ssente z'omusolo empitirivu.

"Waliwo b'ajenti abafere ababinika abasuubuzi emisolo gye batateekeddwa kusasula okukkakkana nga basudde bizinensi zaabwe," bwatyo Yiga bwe yalumirizza ng'alaga obukulu bw'omusomo gwe baabaddemu gwe yayogeddeko nga ogwabayambye okumanya engeri entuufu ekitongole ekiwooza omusolo gye kigerekamu emisolo gyakyo egy'enjawulo.

Abasuubuzi abalala okwabadde, omwogezi w'ekibiina kya Kampala Arcaders' Advocacy Forum - KAAFO, Muzamiru Kwebika, balaze essanyu olw'okuyiga ebintu omwabadde okubala ebitabo bya bizinensi zaabwe, okwawula b'ajenti ba URA abatuufu ku bafere, n'okumanya amakubo mwe bateekeddwa okuyita okwekubira enduulu singa babeera si bamativu n'emisolo oba engassi ebeera ebaweereddwa boofiisa ba URA, ebyabatutte mu musomo guno.

Eyakulidde okusomesa abasuubuzi, Emma Walukhu, yalaze obukulu bw'emisomo egitegekebwa URA, omwabadde; okuyamba abasuubuzi okusasula emisolo gye bateekeddwa okuwa mu mateeka nga tebakaluubiriziddwa, okubagondeza mu lulimi olukozesebwa boofisa baayo nga basasuza abasuubuzi emisolo gino, okuzimba enkolagana wakati wa URA n'abawi b'omusolo wamu n'okusikiriza ekisaawe ky'obusuubuzi okuwa emisolo gavumenti ebakolere ebintu ebinaayamba emirimu gyabwe okutambula obulungi omuli; enguudo, amasannyalaze, amazzi n'amalwaaliro mu ggwanga.